**17th March 2019.**

## OMULIRO OGUTAZIKIRA KU KYOTO KYA MUKAMA.

**Eby'Abaleevi 6.**

Essuula yaffe ey'omukaaga esooka kweyongerayo n'ebiragiro Mukama bye yali awa Musa eri abantu be ku kiweebwaayo olw'omusango gw'ekibi, ekitundu we byaali bikwasaganyizibwa n'ebibi eri bantu bannaabwe, nga bwe twaakiraba omulundi oguwedde enjawulo y'ekiweebwaayo ky'ebibi kwe kuba nti kyakolanga ku bikolwa by'ebibi (specific sins), ate ekiweebwaayo olw'okwoonoona kyakolanga ku mbala y'ekibi (sin nature). Era mu kiweebwaayo kino mulimu obweetaavu bw'okwatula (to confess), era n'okuliyirira (restitution), nga bwe kyaali kyeetaagisibwa omuntu okuggibwaako omusango.
Era wadde ebibi byonna byakolwanga eri Mukama Katonda (Nga Kabaka Daudi bwe yakyaatula mu Zabbuli 51), ne bwe kyaaba nti wali osobezza eri muntu munno, nga bwe guli nakati gyetuli, olw'obuzito bw'obweetaavu bw'okutangirirwanga omuntu okusonyiyibwanga n'okusikirizibwa obutaddamu kkikola, Mukama yalagira ng'awa eky'okulabirako ku byonoono eri abalala nti……[Soma nny 1-7].
Bwe tujjukira bwe gwaali n'eri Zakayo omuwooza mu Lukka 19:8,9…. "Awo Zaakayo n'ayimirira n'agamba Mukama waffe nti, "Mukama wange! Mpuliriza! Ebintu byange nnaabigabanyaamu wakati, ekitundu ne nkiwa abaavu; era obanga waliwo omuntu gwe nnali ndyazaamaanyizza, nnaamuliyira emirundi ena."
Luk 19:9 Yesu n'amugamba nti, "Olwa leero obulokozi buzze mu nnyumba muno, kubanga omusajja ono naye muzzukulu wa Ibulayimu."

Mu kweyongerayo mu ssuula eno, n'ey'omusanvu, Mukama Katonda yawa Musa ebiragiro eri ba kabona, eri enkola ezigwaanidde okutuukiriza obulungi entegeka z'ebiweebwaayo ebyo ebitaano bye tuzze tulaba okuva mu ssuula esooka.
Nga mu ssuula yaffe leero tulaba amateeka eri ba kabona ku biweebwaayo ebyokebwa, ebyasomesebwa mu ssuula esooka, ebiweebwaayo eby'emmere ey'empeke ebyasomesebwa mu ssuula ey'okubiri, n'ebiweebwaayo olw'ekibi, bye twasomesebwaako mu ssuula ey'okuna.

Tweetegereze nti ebiragiro ku biweebwaayo byaweebwa abantu bonna (aba bulijjo), kyokka ebiragiro ku mateeka g'ebiweebwaayo byaweebwa ba kabona.
N'era tunaagasoma wadde tukimanyi nti Yesu Kristo Mukama waffe era Omulokozi, gwe twakkiriza okuba nti yatuukiriza ebiweebwaayo bino byonna mu kweewaayo kwe, byonna kwe byaali bikiikirira.

Tusome nny. 8-13 ku tteeka ery'ebiweebwaayo ebyokebwa, nga nze mwe naggye omulamwa gw'okusomesebwa kwaffe omukulu leero…..

Mu bino nze ndaba obweetaavu Mukama bwe yassa ku bukulu bw'okubanga tulina okutabagananga naye buli kiseera mu ngeri y'okuba nti muggufu gyetuli ommutuukirira.[He's always open for us to reach out to Him and desires us to do so]. Nga bwe kyaali, tulina okuseesaamu enku ku Kyoto buli nkya nga bwe twaalaba Mukama waffe Yesu Kristo akola bwe yalinga ku nsi, bwe yakeeranga matumbi budde n'asabanga. Nze ndaba nga abasiraamu bajjumbize nnyo mw'ekyo n'okusinga ffe abali mu mazima era kimpa okusoomoozebwa, buli kumakya ssaawa kkumi n'emu obawulira baazirana, ne ku ssaawa kkuminabbiri, gw'omulokole ng'oli mu kufuluuta! Kyokka Mukama Katonda wo ng'akwesunga okutabagana naye, osabe, osome ekigambo, muwuliziganye, osobole okuba n'olunaku olulungi mw'onneyongera mu kubeerawo kwe. Ate sigamba nti kitugwaanira okusabanga ku makya kwokka, kubanga tubuuliriddwa emirundi ebiri mu kitundu kino nti "Omuliro gunaasigalanga gwaka ku kyoto ebbanga lyonna; teguuzikirenga."
Nsaba tukirabe gye kisibukira ne mu mateeka ga Mukama, nga ne Yesu Kristo bwe yakyaatula mu Yokaana 11 mu kuzuukiza kwa Lazaaro; nny 41,42 "Ne baggyawo ejjinja. Awo Yesu n'atunula waggulu n'agamba nti, "Kitange nkwebaza olw'okumpulira. Mmanyi nti bulijjo ompulira, naye kino nkyogedde olw'abantu bano abayimiridde wano, balyoke bakkirize nti Ggwe wantuma."
Tukimanyi nti wadde yali Katonda mweene, naye amaanyi g'obwa Katonda bwe gaayolesebwanga ku nsi olw'okusaba kwe yasabanga Mukama Katonda Kitaffe, oba era tubuulirwa nti olwaamala okusula mu kusaba ekiro kyonna enkeera yalonda abayigirizwa be ekkumin'ababiri…, ne mu Lukka 22:39,40 zigamba….
Kyogerwa nti nga tannaba kubuulira muntu yenna ku Kitaawe, Yesu Kristo yasookanga kubuulira Kitaawe ku muntu oyo.

Tusome ne ku tteeka ery’ebiweebwayo eby’emmere ey’empeke.. nny.14 - 23….
Tujjukire nti kino ky’ekiweebwaayo ekyalina amakulu g’obutuukirivu bwa Mukama, mwe twaasomesebwa ku mulamwa gw’okusinza Mukama mu butuukirivu.

Tusome nga tumaliriza ne ku tteeka ery’ekiweebwaayo olw’ekibi…. Nny 24 - 30.